Luganda - Daniel




# EKITABO

KWA

# DANIERI.

---

MU LUGANDA.

---

Revised Version
of 1884


London:
BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY.
1894.

THE BOOK OF DANIEL, TRANSLATED INTO LUGANDA
FROM THE REVISED VERSION OF 1884.

Zgan
894d

# EKITABO

KWA

# DANIERI.

---

## 1.

Mu mwaka ogwokusatu mu mirembe gya Yeko- 1
yakimu kabaka wa Yuda, Nebukadineza kabaka
Webabuloni naja Eyerusalemi, nakizingiza. Ya- 2
kuwa namuwayo Yekoyakimu kabaka wa Yuda
mu mukonogwe, era nebintu ebyomunyumba ya
Katonda ebimu: nabitwala munsi Sinali mu
nyumba ya lubalewe: naleta ebintu mu gwanika
lya lubalewe. Kabaka namugamba Asipenazi 3
omukulu wabalawebe, aingize ku bana ba Israeli,
abomuzade lya kabaka neryabakungu: abavubuka 4
abataliko kabi, wabula abamaso amalungi, era
abategevu mu magezi gona, era abakabakaba mu
kutegera, era abamanya ebiigirizibwa, era abasa-
nira okuimirira mu nyumba ya kabaka: era
abaigirize amagezi Agabakalidaya nolulimi lwa-
bwe. Kabaka nabalagira omugabo ogwa bulijo 5
ogwokumere ya kabaka, nogwokumwenge gwe-
yanywanga, era babalisize emiaka esatu: bwegi-
rigwako balioke baimirire mu maso ga kabaka.
Nemuba mwabo, ku bana ba Yuda, Danieri, 6
Kanania, Misaeri, ne Azalia. Nomukulu wabalawe 7
nabatuma amanya: Danieri namutuma Berite-